ebitabule eby'envuumbo n'akaloosa obuzito bwabyo laateri nga kikumi. (yokana 19:39). Akanyiriri akaddako mu njiri ya yokaana (19:40) kagamba nti obulungo bwali bweyambisibwa mu maziika g'Abayudaaya. Naye kino bwe kyaali era nga n'etteeka ly'Abayudaaya lyali terikkiriza kukola ku bafu. Olwo eddagala lyali lyaki? Mu mazima eddagala lyali lyakukozesebwa Nikodemo ng'ajjaanjaba ebiwundu bya Yesu. Olunyiriri lwa baibuli lulaga nti eddagala Ely'obuzito bwa lateeri ekikumi lyaleetebwa. *Obungi bwe ddagala bulaga nti lyali lya kukozesebwa mu kujjaanjaba mu nnaku ezaali ziddirira.* Abamu bayinza okugamba nti obuwoowo bwakozesebwanga mu kuziika nga buteekwa ku bafu (2 Ebyomumirembe 16:14), naye akaloosa kakozesebwa mu ddagala mwokka.

7. Omulimu gwa Yesu eri endiga ezaabula

Naye n'addamu n'agamba nti; saatumibwa wabula eri endiga ezaabula ezoomu nnyumba ya Israili (matayo 15:24). Omulimu gwa yesu gwali gwa kubuulira eri endiga ezaabula *(Ebika ekkumi n'ebibiri)* eza Israili.

Ebika ekkumi n'ebibiri kikwaatagana n'abaana ba Yakobo ekkumi n'ababiri; *laubeeni, simyoni, leevi, yuda, isakaali, zebbulooni, Yusuf, benyamini, daani, nafutaali, gaadi ne aseri. (Olubereberye 35:23-26).* Mu 537 BC (omwaka ogwasooka ogwa Kabaka cyrus (kuulo) owa buperusi; *(Ezera 1:1)* ebika bya Yakobo byonna byali bibeera mu Israili *(Ezera 6:17).* Oluvannyuma lw'okulumbibwa kwa Israili, amawanga agamu gaawambibwa ne gawang'angusibwa. *(2 Bassekabaka: 17:6,18:11).* Olwo ebika nebisaasaana okwetooloola Israili mu kiseera kya Yesu. Yesu yakisengeka, kaati nti yali wakubuulira eri amawang'ago naye teyaandikikoze nga asigadde mu Israili. Nolwekyo kikakasibwa nti Yesu waakufuluma Israili agende abuulire eri endiga ezaabula era nga ateekwa okuba ng'ekyo yakikola oluvannyuma lw'okutaasibwa okuttibwa kumusaalaba, ekitali ekyo omulimu gwe yandibadde nga tagukoze era nga teyandyeyise musumba mulungi *(yokaana 10:14-16).*

8. Essaala ya Yesu ewulirwa

Yesu yalaajanira Mukama we amutaase okufiira ku musaalaba *(makko 14:36)* kubanga yandibadde afudde ng'omukolimire, ***era nga yali mugumu nti essaala ye yali yaakuwulirwa*** *(Beb 5:7). Ng'essaawa ey'omwenda eseembedde, Yesu n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene n'agamba nti Katonda wange, Katonda wange lwaki onjabulidde? (matayo 27:46)*

Yesu bw'aba nga yali waakufiira ku musaalaba nga bwe bigambibwa, lwaaki yalaajanira ku musaalaba? Bino byaali ebigambo by'omusajja eyali akakasa nti yali wa kutaasibwa naye naalowooza nti Mukama we yali amwaabulidde.

Mu kufuundikira

Ebya waggulu bitulagira ddala nga Yesu bwaataafiira ku musaalaba. N'okusinziira ku nnyinnyonnyola ya Paulo *(Abakolinso 15:14),* bwe yagamba nti: *Era oba nga Kristo teyazuukizibwa, kale okubuulira kwaffe tekuliimu, so n'okukkiriza kwaffe tekuliimu.*

Kino kitegeeza nti okuviira ddala ku ntaandikwa, okufiira kwa Yesu ku musaalaba kwaali kubuusibwabuusibwa.

Okunoonyereza okusingawo tuukirira:
UGANDA AHMADIYYA MUSLIM ASSOCIATION
(Ekitebe)
P.O BOX 98, Tel: 041-530802, 0712237007, 0782334944
fax: 041-530403 Kampala
Website: www.alislam.org , email: mkauganda@gmail.com

Yesu Yakomererwa ?

Ensonga z'okukomererwa kwa Yesu zivaako obutakkaanya bwa maanyi eri enzikiriza z'Eddiini essatu; Abayudaaya, Abakuristo n'Abasiraamu. Abayudaaya bagamba nti Yesu yakomererwa era n'afa nga mukolimire, ekikakasa nti teyali Mubaka wa Allah. Tebakkiririzaako ddala nti eby'okuzuukira byaaliwo. Abakristo bakkiriza nti yakomererwa era n'afiira ku musaalaba, n'oluvannyuma n'azuukira. Abasiraamu ab'Ahmadiyya baawukana n'enzikiriza ezo zoombi, bo bagamba nti yesu yawanikibwa ku musaalaba naye teyafiirako. Yabalabikira ng'afudde naye nga yali azirise buzirisi. Obunyiriri buno wansi obugiddwa mu baibuli bulaga bulungi nti Yesu teyafiira ku musaalaba.

1. Akabonero ka Yonah

Awo ebibiina bwe byaali nga bikung'aanira waali, n'atanula okugamba nti emirembe gino mibi: ginoonya akabonero, so tekigiriweebwa akabonero wabula akabonero ka Yonah. Kuba Yonah nga bwe yali akabonero eri ab'eNineeve bwatyo n'omwana w'omuntu bwaliba eri emirembe gino. (Lukka 11:29-30). Yonah yali mulamu mu lubuto lwa lukwaata okumala ennaku ssatu. *(Yona 1:17)*, Yesu yaggibwa ku musaalaba ku lwokutaano ng'enjuba tennagwa, nga ssabbato tennataandika *(Yokaana 19:31)*, n'olwekyo ebbanga Yesu lye yamala mu mpuku lyaali terisukka lunaku lumu n'ebiro bibiri. Kati olwo kikwataganirawa n'akabonero ka Yona? Amazima gali nti Yesu yali mulamu ng'ali mu mpuku nga Yona bwe yali omulamu mu lubuto lw'ekyennyanja. Yesu bw'aba nga yali mufu weyateekerwa mu mpuku kyalibadde tekirina wekikwaataganira nakya Yona.

2. Muka Pilaato afuna ekirooto

Naye bwe yatuula ku ntebe y'emisango, mukazi we n'amutumira

ng'agamba nti omuntu oyo mutuukirivu, tomukola kintu n'akatono: Kubanga nalumiddwa leero bingi mu kirooto ku lulwe. (Matayo 27:19). Okulabula kuno okwaweebwa Pilaato nga kuyita mu mukyalawe kwali kulaga bulungi okusalawo kwa Allah okuwonya Yesu okufiira ku musaalaba. Yesu mu butoobwe kerode bwe yayagala okumutta, Yusufu oba yozefu yalabulwa mu kirooto ku ntegeka ya kerode, bwatyo n'asalawo okuwonya Yesu n'amutwaala emisiri. *Laba bwe baamala okugeenda, Malayika n'alabikira Yusufu mu kirooto n'amugamba nti golokoka otwaale omwaana n'ennyina oddukire Emisiri obeere eyo okutuusa nze lwendikugamba, kubanga kerode ajja kunoonya omwaana okumutta. (matt 2: 13).* Mu ngeri y'emu, pilaato ng'amaze okuwulira eby'ekirooto, yamatirira ddala nti Yesu teyalina musango (*lukka 23:14),* bwatyo n'asalawo okumuwonya nga bwe kiragibwa wansi;

(a) Pilaato yawaanvuya ensala y'omusango, bwatyo ng'akendeeza ku kiseera Yesu kye yalina okubeera ku musaalaba nga sabbaato tennataandika, ekyo nekikendeeza ku mikisa gya Yesu okufiira ku musaalaba *(lukka 23:22).*

(b) Pilaato yawaayo Yesu akomererwe ng'akimanyi bulungi nti Yesu yalina okujjibwayo amangu ddala nga ssabbaato tennataandika.

(c) Abasirikale abaamenya amagulu g'abonoonyi ababiri tebaamenya magulu ga Yesu, ob'olyawo nga kyali kiragiro kya pilaato. *(Yokana 19:32-33)*

(d) Yozefu owe Alimasaya eyali talina luganda lwonna ku Yesu, yasaba pilaato *omulambo* gwa Yesu. Awatali kibuuzo kyonna, pilaato n'alagira omulambo gumuweebwe (*matayo 27:57-58).* Kino kyali kikoontana n'enkola eyali emanyiddwa. nti omulambo guddizibwa bang'anda.

(e) Olwo omulambo negutwalibwa mu mpuku eyali etegekeddwa. *(Matayo 27:60)*

(f) Nga bali bumu ne Nikodemo omusawo *(yokana 19:39),* Yesu olwo yali asobola okuwonyezebwa awatali kutawanyizibwa engeri Abayudaaya gye baali mu kweetegekera sabbaato.

Yesu aba kufa, olwo ekirooto kya muka pilaato tekyandibadde na makulu n'akamu.

3. Ekiseera ky'okukomerewa.

Awo essaawa zaali ziri ssatu ne bamukomerera. (makko 15:25). Matayo ne Lukka tebawa kiseera kituufu Yesu mwe yawanikirwa ku musaalaba era n'enjiri endala ebbiri zikontana. Naye enjiri ziraga nti okukomererwa kwali wakati wa ssaawa ssatu n'omukaaga. Kituufu nti nga tannakomerebwa yakubibwa abasirikale Abarooma *(matayo 27:29-30),* n'ayambazibwa n'engule y'amaggwa era n'avumibwa, naye buno tebwaali buvune obwali buyinza okulumya omuntu ekisusse; kuba enjiri ya yokaana etugamba nti Yesu yeetikka omusaalaba okutuuka mu kifo we yakomererwa. *(Yokana 19:17).*

Enjiri endala zikoontana ne yokaana era nga ziraga nti simon omukuleene y'eyeetikka omusaalaba. *(Lukka 23:26, mat: 27:32, makko 15:21).* Abonoonyi abaakomerebwa ne Yesu *(Lukka 23:32),* bateekwa okuba nga baabonyaabonyezebwa mu ngeri y'emu, naye bo baali balamu akawungeezi *(yokaana 19:32-33)* era amagulu gaabwe negamenyebwa okusobola okwanguya okufa kwabwe.

Kisoboka kitya nti ate Yesu yafiira ku kiseera ekyo? Ne pilaato yali tayinza kukkiriza nti yali ayinza okufiira mu kiseera ekyo. Kitegeeza nti Yesu yali tafudde wabula yabalabikira ng'afudde. Era ne Pilaato yeewuunya oba yali afudde (*makko 15:44).*

4. Okufa ng'omukolimire.

Omulambo gwe tegusulanga ku muti, naye tolemanga kumuziika ku lunaku olwo; kubanga awanikiddwa ab'akolimiddwa Katonda. (Eky'amateeka 21:23) Abayudaaya baali tebakkiriza nti Yesu yali masiya, bwe batyo kwe kumuwanika ku musaalaba. **Bwe yandiwonye, yali waakukakasibwa nga ddala yali Mubaka, era bwe yandifudde yali wakuzuulibwa nga nabbi ow'obulimba,** kubanga ab'obulimba bebakolimirwa era n'enfa yaabwe eba ya kikolimo era basalirwa n'omusango. *N'olw'ekyo Yesu yali tayinza kufiira ku musaalaba, kubanga Ye yali Masiya era teyali nabbi wa bulimba. Okukkiriza nti yafiira ku musaalaba kiba kitegeeza nti yafa enfa ey'ekikolimo, ekimufuula nabbi ow'obulimba.* Zino z'ennyinyonnyola ez'amakulu ebbiri eziyinza okujjibwa mu Baibuli.

5. **Okufuluma kw'omusaayi n'amazzi**

Naye sserikale omu n'amufumita mu mbiriizi ze n'effumu, amangu ago nemuvaamu omusaayi n'amazzi. (yokaana 19:34) Mu mubiri gwonna omulamu, omutima gwe guvunaanyizibwa ku kusiindika omusaayi mu mubiri gwonna. Omutima nga gulekedde awo okukuba, omusaayi gukwatirawo. *Omulambo nga gufuumitiddwa n'effumu,teri musaayi guyinza kuvaayo olw'ensonga nti;* Okusookera ddala omutima guba tegukyasobola kusindika musaayi negufuluma. Ekyokubiri omusaayi mu mulambo gwandibadde *gwekutte.* Mu mazima amatuufu, omulambo nga gufumitiddwa teri musaayi guyinza kuguvaamu. Okujjako mu mubiri omulamu omusaayi n'amazzi mwe biyinza okufuluma nga gufumitiddwa.

6. **Okuleetebwa kw'ebitabule eby'envumbo n'akaloosa.**

Ne Nikodemo najja, (eyasooka okujja gyali ekiro), ng'aleese